*“Era mulinnoonya ne mundaba, bwe mulinkenneenya n’omutima gwammwe gwonna.”*

# Engeri Y’okumanya Katonda

# Engeri Y'okumanya Katonda

Nga Ibulayimu yali "mukwano gwa Katonda" olwo kwewaayo kwe no bugonvu eri Katonda, nawe oyinza okumanya Katonda era nobeera nga onyumirwa ekisa kye, emirembe, ne mikisa. Okumanya Katonda nga weweerayo ddala gyali mu kumwesiga kye kisingira ddala obukulu mu bulamu bwo. Nga kyakitalo Katonda okweraga eri abo bonna abamunoonya n'omutima gwabwe gwonna!

Singa nga okyuukira ddala oklulekera ddala amakubogo ggwe niweeweevarayo ddala eri Katonda, Omwoyo we omutukuvu ajja kubeera mu ggwe bulijjo. Tewali kintu nekimu ekirisobola okukwawukanya okuva awali okwagaala kwe, Senga nga wesiga ebisuubizo bye, era nomugoberera mu kugonda. Ajja kubeera Katonda wo, ate nawe obeere kintu kye kya "Nvuma" kyamuwendo. Onookizula nga yakugula n'omuwendo omungi ennyo era ayagaala okubera mu bumu nawe—kati era ne mirembe gyonna.

Saba Katonda akuwe okuteegera nga Oyiiga empapula ezirimu ekigambo kya Katonda. Okuwandiika ebigambo yakuteeka kubantu be abamutya nokulungamya kw'omwoyo mukyamagero ne bikumiibwa okuyitira ddala mu mirembe okuziyiiriza ddala Setaani obutabizikiiriza.

---

*Enyiiriri z'ebyawandiikibwa eziri mu katabo kano zigiddwa mu Bayibuli: Amateeka (Tawuleti), Zabbuli, Ebyawandiikibwa eby'abamabi, ne njiri (Enjiri).*

# Waliwo Katonda Omu Yekka Ow'omazima 

Ekyamateeka Olw'okubiri 6:4, 5

. . . Mukama Katonda waffe ye Mukama omu: era onooyagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, nemmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna.

Isaaya 45:18

Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama eyatonda eggulu; ye Katonda; eyabumba ensi n'agikola; ye yaginyweza, yagitonda obutaba ddungu, yagibumba okutuulwamu; nti Nze Mukama; so tewali mulala.

1 Bassekabaka 8:60

Amawanga gonna ag'oku nsi bamanye nga Mukama ye Katonda; tewali mulala.

Isaaya 42:8

Nze Mukama; eryo lye linnya lyange: n'ekitiibwa kyange sirikiwa mulala, newakubadde ettendo lyange eri ebifaananyi ebyole.

Isaaya 43:10, 11

Mmwe muli bajulirwa bange, bw'ayogera Mukama, . . . mulyoke mumanye munzikirize muteegeere nga nze nzuuyo; tewali Katonda eyabumbibwa okusooka nze, so tewaliba alinziririra. Nze, nze mwene, nze Mukama; so tewali mulokozi wabula nze.

Mutunuulire nze, mulokoke, mmwe enkomerero zonna ez'ensi: kubanga nze Katonda so tewali mulala. —Isaaya 45:22

# Katonda Wakisa Era Wakusasira

**Mukama ajjudde okusaasira n'ekisa, alwawo okusunguwala, alina okusonyiwa okungi. Kuba eggulu nga bwe liri waggulu okusinga ensi, n'okusaasira kwe bwe kuli okungi bwe kutyo eri abo abamutya.**
**—Zabbuli 103:8, 11**

**Naye okusaasira kwa Mukama kwava mu mirembe gyonna era kulituuka mu mirembe gyonna eri abamutya, . . . N'eri abo abajjukira ebiragiro bye okubikola. —Zabbuli 103:17, 18**

**Ani Katonda nga ggwe asonyiwa ohubi, . . . kubanga asanyukira okusaasira.**
**—Mikka 7:18**

**Kwe kusaasira kwa Mukama ffe obutamalwawo, kubanga ekisa kye tekiggwaawo.**
**—Okukungubaga 3:22**

**Kuba newakubadde ng'aleeta obuyinike, naye alikwatibwa ekisa ng'olufulube lw'okusaasira kwe bwe luli.**
**—Okukungubaga 3:32**

**Eri ow'ekisa oneeraga ow'ekisa. . . . —Zabbuli 18:25**

**Kale mwebaze Mukama; kubanga mulungi: Kubanga okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna.**
**—1 Ebyomumirembe 16:34**

Yeremiya 31:3

Mukama yandabikira dda ng'ayogera nti Weewaawo, nkwagadde n'okwagala okutaliggwaawo: kyenvudde nkuwalula n'ekisa.

Yeremiya 29:11

Kubanga mmanyi ebirowoozo bye ndowooza gye muli, bw'ayogera Mukama, ebirowoozo eby'emirembe so si bya bubi, okubawa okusuubira enkomerero yammwe ey'oluvannyuma.

Nnabaagala, bw'ayogera Mukama.... —Malaki 1:2

Zabbuli 103:13

Nga kitaabwe bw'asaasira abaana be, ne Mukama bw'asaasira bw'atyo abamutya.

Isaaya 38:17

Laba, olw'emirembe gyange kyennava mbalagalwa ennyo: Naye ggwe [Ayi Katonda] olw'okwagala obulamu bwange obuwonyezza mu bunnya obuvundirwamu; kubanga osudde ebibi byange byonna ennyuma w'amabega go.

1 Yokaana 4:16, 19

Nate twategeera era twakkiriza okwagala Katonda kw'alina gye tuli.... Ffe twagala, kubanga ye yasooka okutwagala ffe.

Mukama Katonda wo ali wakati wo, ow'amaanyi anaalokola: alikusanyukira n'essanyu, aliwummulira mu kwagala kwe, alikusanyukira ng'ayimba. —Zeffaniya 3:17

# Ekintu Ekisinga Obukulu Mubulamu Kwe Kumanya Katonda

. . . Naye abantu abamanyi Katonda waabwe baliba n'amaanyi, balikola eby'obuzira.
—Danyeri 11:32

Naye eyeenyumiriza yeenyumirizenga olwa kino, ng'ategeera era ng'amanyi nze nga ndi Mukama akola eby'ekisa n'eby'ensonga n'eby'obutuukirivu mu nsi: kubanga ebyo bye nsanyukira, bw'ayogera Mukama. —Yeremiya 9:24

Balina omukisa abo abeekuuma bye yategeeza, abamunoonya n'omutima gwonna. —Zabbuli 119:2

. . . Ntadde mu maaso go obulamu n'okufa, omukisa n'okukolimirwa: kale weeroboze obulamu, olyoke obenga omulamu, . . . okwagalanga Mukama Katonda wo, okugonderanga eddoboozi lye, n'okwegattanga naye: kubanga oyo bwe bulamu bwo. . . .
—Ekyamateeka Olw'okubiri 30:19, 20

Ng'empeewo bw'ewejjawejja olw'amazzi, bw'etyo n'emmeeme yange bw'ewejjawejja ku lulwo, ai Katonda. —Zabbuli 42:1

N'ayogera nti Amaaso gange galigenda naawe, nange ndikuwa okuwummula. —Okuva 33:14

2 Ebyomumirembe 15:2
. . . Mukama ali nammwe bwe munaabanga naye; era bwe munaamunoonyanga, munaamulabanga; naye bwe munaamuvangako, anaabavangako mmwe.

Yeremiya 17:9
Omutima mulimba okusinga ebintu byonna, era gulwadde endwadde etewonyezeka: ani ayinza okugumanya?

Yokaana 15:6
Omuntu bw'atabeera mu nze, asuulibwa ebweru ng'ettabi, akala; bagakuŋŋaanya, bagasuula mu muliro, ne gaggya.

2 Peetero 2:9
Mukama waffe amanyi okulokola abatya Katonda mu kukemebwa, n'okukuuma abatali batuukirivu nga babonerezebwa okutuusa ku lunaku olw'omusango.

Engero 16:25
Waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungi, naye enkomerero yaalyo makubo ga kufa.

1 Samwiri 12:15
Naye bwe mutaawulirenga ddoboozi lya Mukama, naye ne mujeemeranga ekiragiro kya Mukama, awo omukono gwa Mukama gunaalwananga nammwe . . . .

Era mulinnoonya ne mundaba, bwe mulinkenneenya n'omutima gwammwe gwonna.
—Yeremiya 29:13

. . . N'ogakenneenyanga ng'eby'obugagga ebyakwekebwa; Kale lw'olitegeera . . . n'ovumbula okumanya Katonda.
—Engero 2:4, 5

Musabe, muliweebwa; munoonye, muliraba; mweyanjule, muliggulirwawo. —Matayo 7:7

Era awataba kukkiriza tekiyinzika kusiimibwa: kubanga ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nga Katonda waali, era nga ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya. —Abaebbulaniya 11:6

Njagala abo abanjagala; n'abo abanyiikira okunnoonya balindaba. —Engero 8:17

Mukama aba mulungi eri abo abamulindirira, eri emmeeme emunoonya. —Okukungubaga 3:25

Yakola okuva ku omu buli ggwanga ly'abantu okutuulanga ku nsi enjuyi zonna, no omusaayi gumu . . . banoonyenga Katonda mpozzi bawammante okumulaba, newakubadde nga tali wala wa buli omu ku ffe.
—Ebikolwa 17:26, 27

Naye nze, njagala okunoonya Katonda, era njagala okulekera Katonda ensonga yange.
—Yobu 5:8

. . . Kubanga Mukama Katonda wammwe wa kisa, asaasira, so taakyusenga amaaso ge okubavaako, mmwe bwe munaddanga gy'ali. —2 Ebyomumirembe 30:9

Kubanga ggwe, Mukama, oli mulungi, oyanguwa okusonyiwa, era ojjula ekisa eri abo bonna abakukoowoola. —Zabbuli 86:5

Musembererenga Katonda, naye anaabasembereranga mmwe. —Yakobo 4:8a

Mukama aba kumpi abo bonna abamukaabira, bonna abamukaabira n'amazima. —Zabbuli 145:18

Mujje nno, tuteese fembi, bw'ayogera Mukama: ebibi byammwe ne bwe biba ng'olugoye olumyufu, binaaba byeru ng'omuzira; ne bwe bitwakaala ng'ebendera, binaaba ng'ebyoya by'endiga. —Is. 1:18

Mujje gye ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza. Mwetikke ekikoligo kyange, muyigire ku nze; kubanga ndi muteefu era omuwombeefu mu mutima: nammwe muliraba ekiwummulo eky'omu myoyo gyammwe. —Matayo 11:28, 29

. . . Ajja gye ndi sirimugobera bweru n'akatono. —Yokaana 6:37

Okuva 15:11

Ani afaanana nga ggwe, Mukama, . . . alina ekitiibwa mu butukuvu . . . ?

Tewali mutukuvu nga Mukama; Kubanga tewali mulala wabula ggwe. . . . —1 Samwiri 2:2

Yobu 34:10

. . . Kiddire eri awali Katonda, ye okukola obubi; n'awali Omuyinza w'ebintu byonna, ye okukola ebitali bya butuukirivu.

Isaaya 6:3

. . . Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, Mukama ow'eggye: ensi yonna ejjudde ekitiibwa kye.

Isaaya 57:15

Kubanga bw'atyo bw'ayogera oyo ali waggulu omugulumivu atuula mu butaliggwaawo, erinnya lye Mutukuvu, nti Ntuula mu kifo ekigulumivu ekitukuvu. . . .

Zabbuli 145:17

Mukama mutuukirivu mu makubo ge gonna, era wa kisa mu mirimu gye gyonna.

Makko 10:18

. . . Tewali mulungi wabula omu, ye Katonda.

Okubikkulirwa 15:4

Ani atalitya, Mukama, n'ataliwa kitiibwa erinnya lyo? kubanga ggwe wekka ggwe mutukuvu . . . .

# Abantu Ba Katonda Batekwa Kubeera Mubulamu Obutukuvu

### Yakobo 2:19, 20

Okkiriza nga Katonda ali omu; okola bulungi: era ne bassetaani bakkiriza, ne bakankana. Naye oyagala okutegeera, ggwe omuntu ataliimu, ng'okukkiriza awatali bikolwa tekuliiko kye kugasa?

### 1 Yokaana 2:4; 3:10

Ayogera nti Mmutegedde, n'atakwata biragiro bye, ye mulimba, n'amazima tegali mu oyo; Ku kino abaana ba Katonda n'abaana ba Setaani kwe balabikira: buli muntu yenna atakola butuukirivu si wa Katonda, newakubadde atayagala muganda we.

### Engero 15:9

Ekkubo ery'omubi lya muzizo eri Mukama: Naye ayagala oyo agoberera obutuukirivu.

### Abaebbulaniya 12:14

Mugobererenga emirembe eri abantu bonna, n'obutukuvu, awatali obwo siwali aliraba Mukama.

### 1 Peetero 1:15

Naye ng'oyo eyabayita bw'ali omutukuvu era nammwe mubeerenga batukuvu mu mpisa zonna.

Munoonye obulungi so si bubi, mulyoke mubeerenga abalamu: kale Mukama Katonda ow'eggye anaabanga nammwe nga bwe mwogera. —Amosi 5:14

. . . Era Mukama akusalira kiki, wabula okukola eby'ensonga, era okwagala ekisa, era okutambula n'obuwombeefu ne Katonda wo?
—Mikka 6:8

. . . Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna, n'amagezi go gonna; ne muliraanwa wo nga ggwe bwe weeyagala wekka. —Lukka 10:27

Omanyi amateeka, Tottanga, Toyendanga, Tobbanga, Towaayirizanga, Tolyazaamaanyanga, Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko. —Makko 10:19

Abaruumi 12:2a

So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya . . . .

Yoswa 1:8

Ekitabo kino eky'amateeka tekiivenga mu kamwa ko, naye onookirowoozangamu emisana n'ekiro, olyoke weekuumenga okukola nga byonna bwe biri ebiwandiikiddwamu: kubanga bw'onooterezanga bw'otyo ekkubo lyo, era bw'onooweebwanga omukisa bw'otyo.

Makko 11:22

. . . Mube n'okukkiriza mu Katonda.

Engero 6:16-19

Waliwo ebigambo mukaaga Mukama by'akyawa; weewaawo, musanvu bya muzizo gy'ali: amaaso ag'amalala, olulimi olulimba, n'engalo eziyiwa omusaayi ogutaliiko musango; omutima oguyunja ebirowoozo ebibi, ebigere ebyanguwa embiro okugoberera ettima; omujulirwa w'obulimba ayogera eby'obulimba, n'oyo asiga okukyawagana mu b'oluganda.

Okubikkulirwa 21:8

Naye abati, n'abatakkiriza, n'abagwagwa, n'abassi, n'abenzi, n'abalogo, n'abasinza ebifaananyi, n'abalimba bonna, omugabo gwabwe gulibeera mu nnyanja eyaka n'omuliro n'ekibiriiti; kwe kufa okw'okubiri.

Malaki 2:15, 16

. . . Kale mwekuumenga omwoyo gwammwe, so tewabangawo akuusakuusa omukazi ow'omu buvubuka bwe. Kubanga nkyawa okugoba abakazi, bw'ayogera Mukama . . . .

Zekkaliya 8:17

So omuntu aleme okulowooza obubi ku munne mu mitima gyammwe; so temwagalanga kirayiro kyonna eky'obulimba; kubanga ebyo byonna bye nkyawa, bw'ayogera Mukama.

## 12 Abantu Baagwa Nebatatuuka Mu Ebyo Katonda Bye Yetaaga

Naye mbategedde mmwe ng'okwagala kwa Katonda tekubaliimu. —Yokaana 5:42

Kubanga omuntu yenna bw'aba akwata amateeka gonna, naye n'asobya mu limu, ng'azzizza omusango gwa gonna. —Yakobo 2:10

Ne ndyoka njogera nti Zinsanze! kubanga nfudde; kubanga ndi muntu wa mimwa egitali mirongoofu . . . —Isaaya 6:5

Kale amanya okukola obulungi n'atakola, kye kibi eri oyo. —Yakobo 4:17

Nga bwe kyawandiikibwa nti tewali mutuukirivu n'omu. Kubanga bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda. —Abaruumi 3:10, 23

. . . Buli muntu yenna atakola butuukirivu si wa Katonda, newakubadde atayagala muganda we. —1 Yokana 3:10

Ffe fenna twawaba ng'endiga; twakyamira buli muntu mu kkubo lye ye . . . . —Isaaya 53:6

. . . Ani ayinza okuyimirira mu maaso ga Mukama, Katonda ono omutukuvu? —1 Samwiri 6:20

Abaruumi 10:2, 3

Kubanga mbategeeza nga balina okunyiikiririra Katonda, naye si mu kutegeera. Kubanga bwe batamanya butuukirivu bwa Katonda, era bwe bagezaako okutereeza obutuukirivu bwabwe bo bennyini, tebagondera butuukirivu bwa Katonda.

Isaaya 64:6

Kubanga fenna tufuuse ng'atali mulongoofu, n'ebikolwa byaffe byonna eby'obutuukirivu biriŋŋanga ekyambalo ekikongedde. . . .

Ezeekyeri 33:13

Bwe ŋŋamba omutuukirivu nga talirema kuba mulamu; bw'aneesiganga obutuukirivu bwe, n'akola obutali butuukirivu, tewaliba ku bikolwa bye eby'obutuukirivu ebirijjukirwa; naye mu butali butuukirivu bwe bw'akoze omwo mw'alifiira.

Abaruumi 8:8

N'abo abali mu mubiri tebayinza kusanyusa Katonda.

Abaruumi 3:20

Kubanga olw'ebikolwa by'amateeka alina omubiri yenna taliweebwa butuukirivu mu maaso ge. . . .

2 Abakkolinso 3:5

Si kubanga fekka tulina obuyinza, okulowooza ekigambo kyonna ng'ekiva gye tuli; naye obuyinza bwaffe buva eri Katonda.

Abaruumi 5:12

Olw'ebyo, nga ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bonna, kubanga bonna baayonoona.

Isaaya 59:2

Naye obutali butuukirivu bwammwe bwe bwawudde mmwe ne Katonda wammwe, n'ebibi byammwe bye bimukwesezza amaaso, n'atayagala kuwulira.

2 Ebyomumirembe 24:20

. . . Bw'atyo bw'ayogera Katonda nti Musobezanga ki ebiragiro bya Mukama n'okuyinza ne mutayinza kulaba mukisa? kubanga mwaleka Mukama, era naye kyavudde abaleka mmwe.

1 Samwiri 15:23

Kubanga okujeema kuliŋŋanga ekibi eky'obufumu, n'obukakanyavu buliŋŋanga okusinza ebifaananyi ne baterafi. Kubanga ogaanyi ekigambo kya Mukama, naye akugaanyi. . . .

Engero 11:19

Anywerera mu butuukirivu ye alituuka mu bulamu: n'oyo agoberera obubi yetta yekka.

Emmeeme eyonoona ye erifa . . . . —Ezeekyeri 18:20

Zabbuli 7:11

Katonda ye musazi w'emisango omutuukirivu, era ye Katonda alina obusungu buli lunaku.

Nakkumu 1:3

Mukama tatera kusunguwala, alina amaanyi mangi, so talisaasira mubi n'akatono. . . .

Abaruumi 1:29-32

Nga bajjudde obutaba na butuukirivu bwonna, obubi, okwegomba, ettima; nga bajjudde obuggya, obussi, okuyomba, obukuusa, enge; abageya, abalyolyoma, abakyawa Katonda, ab'ekyejo, ab'amalala, abeenyumiriza, abayiiya ebigambo ebibi, abatawulira bazadde baabwe, abatalina magezi, abaleka endagaano, abataagalana, abatalina kusaasira: abamanya omusango gwa Katonda, nti abakola ebyo basaanidde kufa, tebabikola bukozi, era naye basiima ababikola.

Abakkolosaayi 3:6

Olw'ebyo obusungu bwa Katonda bujja ku baana abatawulira.

Abaruumi 1:18

Kubanga obusungu bwa Katonda bubikkulibwa okuva mu ggulu ku butatya Katonda bwonna n'obutaba na butuukirivu obw'abantu abaziyiza amazima mu butaba na butuukirivu.

Era ng'abantu bwe baterekerwa okufa omulundi ogumu, oluvannyuma lw'okwo musango.
—Abaebbulaniya 9:27

Era mbagamba nti Buli kigambo ekitaliimu abantu kye boogera, balikiwoleza ku lunaku olw'omusango. —Matayo 12:36

Kubanga Katonda alisala omusango gwa buli mulimu, wamu na buli kigambo ekyakwekebwa, oba nga kirungi oba nga kibi.
—Omubuulizi 12:14

Bwe kityo bwe kiriba ku nkomerero y'ensi: bamalayika balijja, balyawulamu abantu ababi mu batuukirivu, balibasuula mu kikoomi eky'omuliro: mwe muliba okukaaba amaziga n'okuluma obujiji. —Matayo 13:49, 50

Ne ndaba abafu, abakulu n'abato, nga bayimiridde mu maaso g'entebe; ebitabo ne bibikkulwa: n'ekitabo ekirala ne kibikkulwa, kye ky'obulamu: abafu ne basalirwa omusango mu ebyo ebyawandiikibwa mu bitabo, ng'ebikolwa byabwe bwe byali. Era omuntu yenna ataalabika ng'awandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu, n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro.
—Okubikkulirwa 20:12, 15

Kigambo kya ntiisa okugwa mu mikono gya Katonda omulamu.
—Abaebbulaniya 10:31

Engero 15:3

Amaaso ga Mukama gaba mu buli kifo, nga galabirira ababi n'abalungi.

Zabbuli 139:1-4

Ai Mukama, wannoonya nze, wammanya. Omanyi bwe ntuula, era bwe ngolokoka, otegeera okulowooza kwange nga kukyali wala. Onoonyeza ddala ekkubo lyange n'okwebaka kwange, era omanyi amagenda gange gonna. Kubanga simuli kigambo mu lulimi lwange, laba, ai Mukama, ggwe ky'otomanyira ddala.

1 Samwiri 16:7

. . . Kubanga Mukama talaba ng'abantu bwe balaba; kubanga abantu batunuulira okufaanana okw'okungulu, naye Mukama atunuulira mutima.

Zabbuli 94:9

Eyateekawo okutu, taliwulira? Eyabumba eriiso, taliraba?

Yeremiya 16:17

Kubanga amaaso gange gatunuulira amakubo gaabwe gonna: tegakisibwa bwenyi bwange, so n'obutali butuukirivu bwabwe tebukwekebwa maaso gange.

Abaebbulaniya 4:13

So siwali kitonde ekitalabika mu maaso ge: naye ebintu byonna byeruliddwa era bibikkuliddwa mu maaso g'oyo gwe tuleetera ebigambo byaffe.

Nnina essanyu lye nsanyukira okufa kw'omubi? bw'ayogera Mukama Katonda: naye saagala bwagazi akomewo okuva mu kkubo lye abeere omulamu? —Ez. 18:23

Lukka 13:3

Mbagamba nti Si bwe kityo: naye bwe muteenenya, mulizikirira mwenna bwe mutyo.

Engero 28:13

Abikka ku kusobya kwe taliraba mukisa: Naye buli akwatula n'akuleka alifuna okusaasirwa.

Yoweeri 2:12, 13

Era naye ne kaakano munkyukire n'omutima gwammwe gwonna, n'okusiiba n'okukaaba amaziga n'okuwuubaala: era muyuze omutima gwammwe so si byambalo byammwe, mukyukire Mukama Katonda wammwe: kubanga wa kisa, era ajjudde okusaasira, alwawo okusunguwala, era akwatirwa nnyo ekisa. . . .

Mutwale ebigambo wamu nammwe, mukomewo eri Mukama: mumugambe nti Ggyawo obutali butuukirivu bwonna, okkirizeeko ebirungi. . . . —Koseya 14:2

Ayimbira mu maaso g'abantu n'ayogera nti Nnyonoonye . . . Anunudde emmeeme yange obutakka mu bunnya. N'obulamu bwange bunaatunuuliranga omusana. —Yobu 33:27, 28

Isaaya 55:6, 7

Munoonye Mukama nga bw'akyayinzika okulabika, mumukaabirire nga bw'akyali okumpi: omubi aleke ekkubo lye, n'omuntu atali mutuukirivu aleke ebirowoozo bye: era akomewo eri Mukama, naye anaamusaasira; adde eri Katonda waffe, kubanga anaasonyiyira ddala nnyo.

Mukama ali kumpi n'abo abalina omutima ogumenyese. Era awonya abalina omwoyo ogubone-redde. —Zabbuli 34:18

. . . Era badde buli muntu okuleka ekkubo lye ebbi; ndyoke nsonyiwe obutali butuukirivu bwabwe n'ekibi kyabwe. —Yer. 36:3

Zabbuli 32:5

Ne nkwatulira ekibi kyange, n'obutali butuukirivu bwange ne ssibukweka: Nayogera nti Mukama naamwatulira ebyonoono byange; naawe n'onsonyiwa obutali butuukirivu obw'ekibi kyange.

Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu. —1 Yokaana 1:9

Ebikolwa 3:19

Kale mwenenye, mukyuke, ebibi byammwe bisangulibwe. . . .

Okwenenya kitegeeza okuva mu kibi era n'okukyaatula eri Katonda.

# Ekiwebwayo Ky'etaagisa Okusobola Okututabaganyisa Ne Katonda

(Ekibi kyaleeta Okwawukana, Olupapula 14.)

Kubanga obulamu bw'ennyama buba mu musaayi: era ngubawadde ku kyoto okutangiriranga obulamu bwammwe: kubanga omusaayi gwe gutangirira olw'obulamu. —Eby'abaleevi 17:11

Era mu mateeka kubulako katono ebintu byonna okunaazibwa omusaayi, era awataba kuyiwa musaayi tewabaawo kusonyiyibwa. —Abaebbulaniya 9:22

Okuva 12:5, 13

Omwana gw'endiga gwammwe tegulibaako bulema, omusajja ogwakamala omwaka: . . . Awo omusaayi gulibabeerera akabonero ku nnyumba ze mulimu: nange bwe ndiraba omusaayi, ndibayitako, so tewalibeera lumbe ku mmwe okubazikiriza . . . .

Olubereberye 22:8, 13

Ibulayimu n'ayogera nti Katonda aneefunira omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo ekyokebwa, . . . Ibulayimu n'ayimusa amaaso ge, n'atunula, era, laba, ennyuma we endiga ensajja, ng'ekwatiddwa mu kisaka n'amayembe gaayo: Ibulayimu n'agenda n'atwala endiga, n'agiwaayo okuba ekiweebwayo ekyokebwa mu kifo ky'omwana we.

Yokaana 1:29

Olunaku olw'okubiri n'alaba Yesu ng'ajja gy'ali, n'agamba nti Laba, Omwana gw'endiga gwa Katonda, aggyawo ebibi by'ensi!

Isaaya 53:7

... Ng'omwana gw'endiga ogutwalibwa okuttibwa, era ng'endiga esirika mu maaso g'abo abagisalako ebyoya; weewaawo, teyayasama kamwa ke.

So si lwa musaayi gwa mbuzi n'ennyana, naye lwa musaayi gwe ye, n'ayingirira ddala omulundi gumu mu watukuvu, bwe yamala okufuna okununula okutaggwaawo. Era ne Kristo bw'atyo, bwe yamala okuweebwayo omulundi ogumu okwetikka ebibi by'abangi .... —Abaebbulaniya 9:12, 28

1 Peetero 1:18, 19

Nga mumanyi nga temwanunulibwa na bintu ebiggwaawo, ffeeza oba zaabu, ... wabula n'omusaayi ogw'omuwendo omungi, ng'ogw'omwana gw'endiga ogutaliiko bulema newakubadde ebbala, ye Kristo.

Abaebbulaniya 9:14

Omusaayi gwa Kristo, eyeewaayo yekka olw'Omwoyo ataggwaawo eri Katonda nga taliiko bulema, tegulisinga nnyo okunaaza omwoyo gwammwe mu bikolwa ebifu okuweereza Katonda omulamu?

Abaruumi 3:24, 25

Naye baweebwa obutuukirivu bwa buwa lwa kisa kye olw'okununulibwa okuli mu Kristo Yesu: Katonda gwe yassaawo okuba omutango, olw'okukkiriza omusaayi gwe . . . .

Naye Katonda atenderezesa okwagala kwe ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n'atufiirira. Kale okusinga ennyo kaakano bwe twaweebwa obutuukirivu olw'omusaayi gwe, tugenda kulokoka mu busungu ku bubwe. —Abaruumi 5:8, 9

Abaggalatiya 2:16

Naye bwe tumanyi ng'omuntu taweebwa butuukirivu lwa bikolwa bya mateeka wabula olw'okukkiriza Yesu Kristo, era naffe twakkiriza Kristo Yesu. . . .

Abaefeso 2:8, 9

Kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza; so tekwava gye muli: kye kirabo kya Katonda: tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga.

Ebikolwa 10:43

Oyo bannabbi bonna bamulangako nga buli amukkiriza aggibwako ebibi olw'erinnya lye.

Ebikolwa 4:12

So tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali na linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okutulokola.

... Malayika Gabulyeri n'atumibwa Katonda mu kibuga eky'e Ggaliraaya erinnya lyakyo Nazaaleesi, eri omuwala atamanyi musajja eyali ayogerezebwa omusajja erinnya lye Yusufu ow'omu nnyumba ya Dawudi; n'erinnya ly'omuwala Malyamu. ... Awo malayika n'amugamba nti Totya, Malyamu; kubanga olabye ekisa eri Katonda. Era, laba, oliba olubuto, olizaala omwana ow'obulenzi, olimutuuma erinnya Yesu. Oyo aliba mukulu, aliyitibwa Mwana w'Oyo Ali waggulu ennyo. ... So obwakabaka bwe tebuliggwaawo. Awo Malyamu n'agamba malayika nti Kiriba kitya ekyo, kubanga simanyi musajja? Ne malayika n'addamu n'amugamba nti Omwoyo Omutukuvu alikujjira, n'amaanyi g'Oyo Ali waggulu ennyo galikusiikiriza: era ekyo ekirizaalibwa kyekiriva kiyitibwa ekitukuvu, Omwana wa Katonda. ... Kubanga tewali kigambo ekiva eri Katonda kiribulwa maanyi. Malyamu n'agamba nti Laba, nze ndi muzaana wa Mukama; kibe ku nze nga bw'ogambye. ... —Lukka 1:26-38

Abantu babiri bokka abayingira mu nsi nga tebayise mu kuzalibwa ye Adamu ne Yesu. Adamu yaleeta ekibi mu nsi, naye Yesu yaleeta obuwaanguzi ku kibi.

**Abafiripi 2:6**

**Oyo bwe yasooka okubeera mu kifaananyi kya Katonda, teyalowooza kintu ekyegombebwa okwenkanankana ne Katonda.**

**Yokaana 10:30, 36**

**Nze ne Kitange tuli omu. Mwe mumugambira ki ye, Kitaawe gwe yatukuza, n'amutuma mu nsi, nti Ovvodde; kubanga ŋŋambye nti Ndi Mwana wa Katonda?**

Yesu Kristo, oyo ye kigambo ekitaliggwaawo, yabaawo era abeerawo ennaku zonna. Mungeri eyekyamagero Katonda yamubeezesa mu lubuto lwa Maliyamu, N'azaalibwa. Mu mubiri amanyiddwa nga Omwana womuntu, ate mu mwoyo amanyiddwa nga mwana wa Katonda. Ebyawandiii kibwa bikozesa ekigambo "Mutabani" okutegeeza ne kigambo kye— Yesu Kristo.

**Abaebbulaniya 10:5**

**Ng'ajja mu nsi, kyava ayogera nti Ssaddaaka n'ebiweebwayo tewabyagala, Naye wanteekerateekera omubiri.**

**Abaruumi 1:4**

**Eyalagibwa okuba Omwana wa Katonda mu maanyi, mu mwoyo gw'obutukuvu, olw'okuzuukira kw'abafu, Yesu Kristo Mukama waffe.**

**Yokaana 20:28**

**Tomasi n'addamu n'amugamba nti Ggwe Mukama wange, era Katonda wange.**

1 Timoseewo 3:16

Era awatali kubuusabuusa ekyama eky'okutya Katonda kye kikulu; oyo eyalabisibwa mu mubiri . . . .

Abakkolosaayi 2:9

Kubanga mu oyo mwe mutuula okutuukirira kwonna okw'Obwa-Katonda ng'omubiri bwe guli.

Isaaya 9:6

Kubanga omwana atuzaaliddwa ffe, omwana ow'obulenzi aweereddwa ffe; n'okufuga kunaabanga ku kibegabega kye: n'erinnya lye liriyitibwa nti Wa kitalo, Ateesa ebigambo, Katonda ow'amaanyi, Kitaffe ataggwaawo, Omukulu ow'emirembe.

Yokaana 8:58

Yesu n'abagamba . . . nti Ibulayimu nga tannaba kuzaalibwa, nze nga wendi.

Yokaana 1:10

Yali mu nsi, ensi yakolebwa ku bubwe, era ensi teyamutegeera.

1 Timoseewo 2:5, 6

Kubanga waliwo Katonda omu, era omutabaganya wa Katonda n'abantu omu, omuntu Kristo Yesu, eyeewaayo abe omutango olwa bonna . . . .

Abakkolosaayi 1:14, 15

Mwe tubeerera n'okununulwa, kwe kusonyiyibwa kw'ebibi byaffe; oyo kye kifaananyi kya Katonda atalabika. . . .

# Ebyawandiikibwa Bya Bayibuli Kigambo Kya Katonda

### 2 Petero 1:21

Kubanga siwali kigambo kya bannabbi ekyali kireeteddwa mu kwagala kw'abantu: naye abantu baayogeranga ebyava eri Katonda, nga bakwatiddwa Omwoyo Omutukuvu.

### Abaruumi 15:4

Kubanga byonna ebyawandiikibwa edda, byawandiikibwa kutuyigiriza ffe, tulyoke tubeerenga n'okusuubira olw'okugumiikiriza n'olw'okusanyusa kw'ebyawandiikibwa.

### 2 Timoseewo 3:16

Buli ekyawandiikibwa kirina okuluŋŋamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu.

### Lukka 1:70

Nga bwe yayogerera mu kamwa ka bannabbi be abatukuvu, abaaliwo kasookedde ensi ebaawo.

### 2 Samwiri 23:2

Omwoyo gwa Mukama gw'ayogerera mu nze, ekigambo kye ne kiba ku lulimi lwange.

### Matayo 22:29

. . . Mukyama olw'obutamanya ebyawandiikibwa, newakubadde amaanyi ga Katonda.

Okubikkulirwa 19:13

Era ng'ayambadde ekyambalo ekyamansirwako omusaayi: n'erinnya lye ne liyitibwa Kigambo kya Katonda.

Yokaana 1:1, 14

Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli . . . .

### *Yesu Abikkula Katonda*

2 Abakkolinso 4:6

Kubanga Katonda ye yayogera nti Omusana gulyaka mu kizikiza, eyayaka mu mitima gyaffe, okuleeta omusana ogw'okutegeera ekitiibwa kya Katonda mu maaso ga Yesu Kristo.

Yokaana 1:18

Tewali eyali alabye ku Katonda wonna wonna; Omwana eyazaalibwa omu yekka, aba mu kifuba kya Kitaffe, oyo yamutegeeza.

### *Katonda Ayogerera mu Yesu*

Katonda edda bwe yayogereranga mu bitundu ebingi ne mu ngeri ennyingi eri bajjajjaffe mu bannabbi, mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogerera naffe mu Mwana, gwe yassaawo okuba omusika wa byonna, era gwe yatonza ebintu byonna. —Beb. 1:1, 2

Nze njogera bye nnalaba eri Kitange. . . . —Yokaana 8:38

# Ebyawandiikibwa Era Kigambo Kiramu Kigeraageranyizibwa

***Bayibuli y'emere ey'omwoyo***

Yobu 23:12

. . . Natereka ebigambo eby'akamwa ke okusinga emmere yange eŋŋwanira.

. . . Omuntu tabanga mulamu na mmere yokka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda. —Matayo 4:4

***Bayubuli gwe musana eri ekkubo lyaffe***

Ekigambo kyo ye ttabaaza eri ebigere byange, n'omusana eri ekkubo lyange. Ebigambo byo nga bigguliddwawo bireeta omusana; biwa okutegeera abatalina magezi. —Zabbuli 119:105, 130

***Yesu gwe mugaati ogw'ava mugulu***

Nze mmere ennamu eyavu mu ggulu: omuntu bw'alya ku mmere eno aliba mulamu emirembe n'emirembe: era emmere gye ndigaba gwe mubiri gwange, olw'obulamu bw'ensi. Nze mmere ey'obulamu. —Yokaana 6:51, 48

***Yesu ye musana gw'ensi***

Awo Yesu n'ayogera nabo nate, n'agamba nti Nze musana gw'ensi: angoberera taatambulirenga mu kizikiza, naye anaabanga n'omusana ogw'obulamu.

—Yokaana 8:12

### *Bayibuli ereeta obulamu obujjudde ebibala*

Zabbuli 1:2, 3

Naye amateeka ga Mukama ge gamusanyusa; era mu mateeka ge mw'alowooleza emisana n'ekiro. Naye alifaanana ng'omuti ogwasimbibwa okumpi n'ensulo ez'amazzi, ogubala emmere yaagwo mu ntuuko zaayo, era amalagala gaagwo tegawotoka; na buli ky'akola, akiweerwako omukisa.

### *Yesu awa obulamu obujjudde ebibala*



Mubeere mu nze, nange mu mmwe. Ng'ettabi bwe litayinza kubala bibala lyokka, bwe litabeera mu muzabbibu, bwe kityo nammwe temuyinza, bwe mutabeera mu nze. Nze muzabbibu, mmwe matabi: abeera mu nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola.—Yokaana 15:4, 5

## Ebyawandiikibwa Biteegeza Yesu Kristo

Yokaana 5:39

Munoonya mu byawandiikibwa, kubanga mmwe mulowooza nti mu byo mulina obulamu obutaggwaawo; n'ebyo bye bitegeeza ebyange . . . .

Lukka 24:27

N'asookera ku Musa ne ku bannabbi bonna, n'abategeeza mu byawandiikibwa ebyo byonna ebyamuwandiikirwa ye.

# Ekigambo Kya Katonda Kyalubeerera Tekikyukakyuka

Zabbuli 119:89, 160

Emirembe gyonna, ai Mukama, ekigambo kyo kinyweredde mu ggulu. Ekigambo kyo kyonna kyonna mazima; n'emisango gyo egy'ensonga gyonna gyonna gibeerera emirembe gyonna.

Omuddo guwotoka, ekimuli kiyongobera: naye ekigambo kya Katonda waffe kinaanyweranga ennaku zonna. —Isaaya 40:8

Eggulu n'ensi okutuusa lwe biriggwaawo, ennukuta emu newakubadde akatonnyeze akamu ak'omu Mateeka tekaliggwaawo, okutuusa byonna lwe birimala okutuukirira. —Matayo 5:18

***Omuntu teyeŋŋanga kukyusa bayibuli oba okuwaanyisa ebigambo byo mu Bayibuli***

Ekyamateeka Olw'okubiri 12:32

Buli kigambo kye mbalagira munaakikwatanga okukola: tokyongerangako, so tokisalangako.

Engero 30:6

Toyongeranga ku bigambo bye, aleme okukunenyanga naawe n'olabika ng'omulimba.

Okubikkulirwa 22:19

Era omuntu yenna bw'aggyangamu mu bigambo eby'ekitabo eky'obunnabbi buno, Katonda aliggyako omugabo gwe ku muti ogw'obulamu. . . .

Yokaana 10:17, 18

Kitange kyava anjagala, kubanga nze mpaayo obulamu bwange, ndyoke mbutwale ate. Tewali abunziyako, naye nze nzekka mbuwaayo. Nnina obuyinza obw'okubuwaayo, era nnina obuyinza obw'okubutwala nate. . . .

Yesu n'amuddamu nti Tewandibadde na buyinza bwonna ku nze, singa tebwakuweebwa okuva waggulu . . . . —Yokaana 19:11

Matayo 26:53, 54

Oba olowooza nti ssiyinza kwegayirira Kitange, naye n'ampeereza kaakano bamalayika okusinga liigyoni ekkumi n'ebbiri? Kale binaatuukirira bitya ebyawandiikibwa nti kigwanira okuba bwe bityo?

Ebikolwa 3:18

Naye Katonda bye yabuulira edda mu kamwa ka bannabbi bonna nga Kristo we alibonyaabonyezebwa, yabituukiriza bw'atyo.

Ebikolwa 2:23

Oyo bwe yaweebwayo nga Katonda bwe yasooka okuteesa n'okumanya, mwamutwala ne mumukomerera n'emikono gy'abantu ababi, ne mumutta.

Isaaya 53:10

Naye Mukama yasiima okumubetenta; amunakuwazizza: bw'ofuulanga obulamu bwe okuba ekiweebwayo olw'ekibi . . . .

Era n'abanyazi babiri ne babakomerera wamu naye; omu ku mukono gwe ogwa ddyo, n'omulala ku gwa kkono. Olwo ekyawandiikibwa ne kituukirira, ekigamba nti N'abalirwa awamu n'abasobya. —Makko 15:27, 28

Yokaana 19:32-37

Awo basserikale ne bajja, ne basookera ku omu ne bamumenya amagulu, n'omulala eyakomererwa naye: naye bwe bajja eri Yesu, ne balaba ng'amaze okufa, ne batamumenya magulu: naye sserikale omu n'amufumita mu mbiriiizi ze n'effumu, amangu ago ne muvaamu omusaayi n'amazzi. . . . Kubanga ebyo byabaawo, ekyawandiikibwa kituukirire nti Talimenyebwa ggumba. . . . Nti Balimulaba gwe baafumita.

Matayo 27:45, 50-51, 54

Naye okuva ku ssaawa ey'omukaaga kyali kizikiza ku nsi yonna okutuuka ku ssaawa ey'omwenda. . . . Naye Yesu n'ayogerera nate waggulu n'eddoboozi ddene, n'ata omwoyo gwe. . . . Ensi n'ekankana; enjazi ne zaatika. Naye omwami w'ekitongole, na bali abaali naye nga batunuulira Yesu, bwe baalaba ekikankano, n'ebigambo ebibaddewo, ne batya nnyo, ne bagamba nti Mazima ono abadde Mwana wa Katonda.

Ebikolwa 2:24, 32

Naye oyo Katonda yamuzuukiza, bwe yasumulula okulumwa kw'okufa: kubanga tekwayinza kumunyweza. Yesu oyo Katonda yamuzuukiza, fenna ffe bajulirwa.

2 Timoseewo 1:10

Naye kirabisibwa kaakano olw'okwolesebwa kw'Omulokozi waffe Kristo Yesu, eyaggyawo okufa n'amulisa obulamu n'obutazikirira olw'enjiri.

Abaebbulaniya 2:14, 15

Kale kubanga abaana bagatta omusaayi n'omubiri, era naye yennyini bw'atyo yagatta ebyo; olw'okufa alyoke azikirize oyo eyalina amaanyi ag'okufa, ye Setaani; era alyoke abawe eddembe abo bonna abali mu buddu obulamu bwabwe bwonna olw'entiisa y'okufa.

1 Abakkolinso 15:55, 57

Ggwe okufa, okuwangula kwo kuli luuyi wa? Ggwe okufa, okuluma kwo kuli luuyi wa? Naye Katonda yeebazibwe, atuwanguza ffe ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo.

Okubikkulirwa 1:18

Era Omulamu; era nnali nfudde, era, laba, ndi mulamu emirembe n'emirembe, era nnina ebisumuluzo eby'okufa n'eby'Emagombe.

Okubikkulirwa 3:20

Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye nange.

Abaruumi 4:5

Naye atakola, kyokka n'akkiriza oyo awa obutuukirivu abatatya Katonda, okukkiriza kwe kumubalirwa okuba obutuukirivu.

Yokaana 20:22; 16:24

...Mutoole Omwoyo Omutukuvu. . . . Musabe, muliweebwa, essanyu lyammwe lituukirire.

Kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka. —Abaruumi 10:9

Matayo 10:37; 16:24, 25

Ayagala kitaawe oba nnyina okubasinza nze, tansaanira;... Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti Omuntu bw'ayagala okujja ennyuma wange, yeefiirize yekka, yeetikke omusalaba gwe, angoberere. Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza: na buli alibuza obulamu bwe ku lwange alibulaba.

Era mmwe bwe muli aba Kristo, kale muli zzadde lya Ibulayimu, era muli basika ng'okusuubiza bwe kwali. —Abaggalatiya 3:29

1 Yokaana 5:11, 12

Era okutegeeza kwe kuno nti Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu obwo buli mu Mwana we. Alina Omwana alina obulamu; atalina Mwana wa Katonda talina bulamu.

Abaruumi 8:2

Kubanga etteeka ery'Omwoyo gw'obulamu mu Kristo Yesu lyanfuula ow'eddembe okunziya mu tteeka ly'ekibi n'ery'okufa.

Abaggalatiya 2:20

Nnakomererwa wamu ne Kristo; naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze: era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange.

2 Abakkolinso 5:17

Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya.

1 Peetero 1:23; 2:2

Bwe mwazaalibwa omulundi ogw'okubiri, si na nsigo eggwaawo, wabula eteggwaawo, n'ekigambo kya Katonda ekiramu eky'olubeerera. Ng'abaana abawere abaakajja bazaalibwe, mwegombenga amata ag'omwoyo agataliimu bulimba, galyoke gabakuze okutuuka ku bulokovu.

Zabbuli 68:5

Kitaabwe w'abo abatalina bakitaabwe, era asalira bannamwandu omusango, Katonda mu kifo kye ekitukuvu ky'atuulamu.

Isaaya 64:8; 63:16

Naye kaakano, ai Mukama, ggwe kitaffe; ffe tuli bbumba, naawe mubumbi waffe; naffe fenna tuli mulimu gwa mukono gwo. . . . Ai Mukama, ggwe Kitaffe; omununuzi waffe okuva emirembe n'emirembe lye linnya lyo.

. . . Kale olulituuka mu kifo mwe baagambirwa nti Mmwe temuli bantu bange, we baligambirwa nti Mmwe muli baana ba Katonda omulamu. —Koseya 1:10

Kale mmwe, ababi, nga bwe mumanyi okuwa abaana bammwe ebintu ebirungi, Kitammwe ali mu ggulu talisinga nnyo okubawa ebirungi abamusaba? . . . Kale, musabenga bwe muti, nti Kitaffe ali mu ggulu, Erinnya lyo litukuzibwe. —Matayo 7:11, 6:9

2 Abakkolinso 6:17, 18

Kale . . . Nange ndibasembeza, era nnaabeeranga Kitammwe gye muli, nammwe munaabeeranga gye ndi abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala, bw'ayogera Mukama Omuyinza w'ebintu byonna.

Kubanga bonna abakulemberwa Omwoyo gwa Katonda, abo be baana ba Katonda. —Bar. 8:14

Yokaana 14:6, 7, 23

Yesu n'amugamba nti Nze kkubo, n'amazima n'obulamu: tewali ajja eri Kitange, wabula ng'ayita mu nze. Singa muntegedde, ne Kitange mwandimumanye: . . . Omuntu bw'anjagala, anaakwatanga ekigambo kyange: ne Kitange anaamwagalanga, era tunajjanga gy'ali, tunaatuulanga gy'ali.

Abaggalatiya 4:4-6; 3:26

. . . Katonda n'atuma Omwana we . . . tulyoke tuweebwe okufuuka abaana. Era kubanga muli baana, Katonda yatuma Omwoyo gw'Omwana we mu mitima gyaffe, ng'akaaba nti Aba, Kitaffe. Kubanga mmwe mwenna muli baana ba Katonda olw'okukkiriza, mu Kristo Yesu.

Yokaana 1:12

Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinnya lye.

1 Yokaana 2:1

. . . Era omuntu yenna bw'akola ekibi, tulina Omuwolereza eri Kitaffe, Yesu Kristo omutuukirivu.

Abaefeso 2:18

Kubanga ku bw'oyo ffe fembi tulina okusembera kwaffe eri Kitaffe mu Mwoyo omu.

...Katonda kwagala; n'oyo abeera mu kwagala abeera mu Katonda, ne Katonda abeera mu ye. —1 Yokaana 4: 16

Era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagananga, era nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo.
—Abaefeso 4:32

Bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange, bwe munaabanga n'okwagalana mwekka na mwekka.
—Yokaana 13:35

Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe.... —Abaggalatiya 5:22

Onondaganga ekkubo ery'obulamu: Gy'oli waliwo essanyu erituukirira; mu mukono gwo ogwa ddyo mwe muli ebisanyusa emirembe n'emirembe.
—Zabbuli 16:11

Kale bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza, tubeerenga n'emirembe eri Katonda ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo. —Abaruumi 5:1

Emirembe mbalekera; emirembe gyange ngibawa: si ng'ensi bw'ewa, nze bwe mbawa. Omutima gwammwe tegweraliikiriranga, so tegutyanga.
—Yokaana 14:27

Abaruumi 8:11

Naye oba nga Omwoyo gw'oyo eyazuukiza Yesu mu bafu atuula mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo Yesu mu bafu, era n'emibiri gyammwe egifa aligifuula emiramu ku bw'Omwoyo gwe atuula mu mmwe.

1 Abakkolinso 6:14

Era Katonda yazuukiza Mukama waffe, era naffe alituzuukiza olw'amaanyi ge.

Kubanga Kitange ky'ayagala kye kino buli muntu yenna alaba Omwana n'amukkiriza abe n'obulamu obutaggwaawo; nange ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero. —Yokaana 6:40

Yokaana 11:25, 26

Yesu n'amugamba nti Nze kuzuukira, n'obulamu: akkiriza nze, newakubadde ng'afudde, aliba mulamu: na buli muntu mulamu akkiriza nze talifa emirembe n'emirembe. . . .

1 Abakkolinso 15:21-23

Kubanga okufa bwe kwabaawo ku bw'omuntu, era n'okuzuukira kw'abafu kwabaawo ku bwa muntu. Kuba bonna nga bwe baafiira mu Adamu, era bwe batyo mu Kristo bonna mwe balifuukira abalamu.

Yokaana 14:19

. . . kubanga nze ndi mulamu nammwe muliba balamu.

Abaebbulaniya 10:28, 29

Anyooma amateeka ga Musa afa awatali kusaasirwa olw'abajulirwa ababiri oba basatu: mulowooza mutya, okubonerezebwa oyo kw'alisaanyizibwa kulyenkana wa okusinga okuba okubi eyalinnyiririra ddala Omwana wa Katonda, n'alowooza omusaayi gw'endagaano ogwamutukuza obutaba mutukuvu, n'agirira ekyejo Omwoyo ow'ekisa?

Yokaana 12:48

Agaana nze, n'atakkiriza bigambo byange, alina amusalira omusango: ekigambo kye nnayogera kye kirimusalira omusango ku lunaku olw'enkomerero.

Yokaana 8:24

Kyennava mbagamba nti Mulifiira mu bibi byammwe. Kubanga bwe mutakkiriza nga nze wuuyo, mulifiira mu bibi byammwe.

Era mbagamba mmwe, mikwano gyange, nti Temutyanga abo abatta omubiri, oluvannyuma abatalina kigambo kya kukola ekisingawo. Naye nnaabalabula gwe munaatyanga: Mutyenga oyo, bw'amala okutta alina obuyinza okusuula mu Ggeyeena, weewaawo, mbagamba nti Oyo gwe muba mutyanga. —Lukka 12:4, 5

Ffe tuliwona tutya bwe tulireka obulokozi obukulu obwenkana awo? . . . —Abaebbulaniya 2:3

Ebikolwa 17:31

Kubanga yateekawo olunaku lw'agenda okusaliramu omusango ogw'ensonga ensi zonna mu muntu gwe yayawulamu, bwe yamala okuwa bonna ekikkirizisa bwe yamuzuukiza mu bafu.

Yokaana 5:22, 23

Kubanga Kitange n'okusala tasalira muntu musango, naye yawa Omwana okusala omusango gwonna; bonna bassengamu Omwana ekitiibwa, nga bwe bassaamu Kitange ekitiibwa. . . .

2 Abakkolinso 5:10

Kubanga ffe fenna kitugwanira okulabisibwa Kristo w'alisalira emisango; buli muntu aweebwe bye yakola mu . . . , nga bwe yakola, oba birungi oba bibi.

Abaruumi 2:16

Ku lunaku Katonda kw'alisalira omusango gw'ebyama by'abantu, . . . ku bwa Yesu Kristo.

2 Abasessaloniika 1:7, 8

. . . Mu kubikkulibwa kwa Mukama waffe Yesu okuva mu ggulu awamu ne bamalayika ab'obuyinza bwe, mu muliro ogwaka, ng'awalana eggwanga abatamanyi Katonda, n'abo abatagondera njiri ya Mukama waffe Yesu.

Lukka 19:27

Naye abo abalabe bange abatayagala nze kubafuga, mubaleete wano mubattire mu maaso gange.

# 42 Si Abo Bonna Aboogera Nti Bagobeerera Yesu Nti Bonna Babe

Tito 1:16

Baatula nga bamanyi Katonda; naye mu bikolwa byabwe bamwegaana. . . .

Abaruumi 8:9

. . . Naye omuntu bw'ataba na Mwoyo gwa Kristo, oyo si wuwe.

Matayo 15:8

Abantu bano banzisaamu ekitiibwa kya ku mimwa; naye omutima gwabwe gundi wala.

Ezeekyeri 33:31

. . . Ne batuula mu maaso go ng'abantu bange ne bawulira ebigambo byange naye ne batabikola: kubanga boolesa okwagala kungi n'akamwa kaabwe, naye omutima gwabwe gugoberera amagoba gaabwe.

Matayo 7:21-23

Buli muntu aŋŋamba nti Mukama wange, Mukama wange, si ye aliyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu, wabula akola Kitange ali mu ggulu by'ayagala. Bangi abaliŋŋamba ku lunaku luli nti Mukama waffe, Mukama waffe, tetwalagulanga mu linnya lyo, tetwagobanga dayimooni mu linnya lyo, tetwakolanga bya magero bingi mu linnya lyo? Ne ndyoka mbaatulira nti Sibamanyangako mmwe: muve we ndi mwenna abakola eby'obujeemu.

Era ku kino kwe tutegeerera nga tumutegedde, bwe tukwata ebiragiro bye. —1 Yokaana 2:3

Era nditeeka omwoyo gwange munda mu mmwe, ne mbatambuliza mu mateeka gange, era mulikwata emisango gyange ne mugikola. —Ezeekyeri 36:27

Abaebbulaniya 5:9

Awo bwe yamala okutuukirizibwa, n'afuuka ensonga y'obulokozi obutaggwaawo eri abo bonna abamuwulira.

Abaruumi 8:10, 13

Era oba nga Kristo ali mu mmwe, omubiri nga gufudde olw'ekibi; naye omwoyo bwe bulamu olw'obutuukirivu. Kubanga bwe munaagobereranga omubiri, mugenda kufa; naye bwe munaafiisanga ebikolwa by'omubiri olw'Omwoyo, muliba balamu.

Abaruumi 6:18

Kale bwe mwaweebwa eddembe okuva mu kibi, ne mufuuka abaddu b'obutuukirivu.

Abaefeso 2:10

Kubanga ffe tuli mulimu gwe, abaatonderwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi, Katonda bye yasooka okuteekateeka ffe okubitambulirangamu.

2 Timoseewo 2:19

. . . Era nti Yeewalenga obutali butuukirivu buli ayatula erinnya lya Mukama waffe.

Yokaana 15:18, 19

Ensi bw'ebakyawanga mumanyi nga yasooka kukyawa nze nga tennaba kukyawa mmwe. Singa mubadde ba nsi, ensi yandyagadde ekyayo; naye kubanga temuli ba nsi, naye nze nnabalonda mu nsi, ensi kyeva ebakyawa.

2 Timoseewo 3:12

Naye era bonna abaagala mu Kristo Yesu okukwatanga empisa ez'okutya Katonda banaayigganyizibwanga.

Yokaana 16:2, 3

... Weewaawo, ekiseera kijja, buli anaabattanga anaalowoozanga ng'aweerezza Katonda. N'ebyo banaabikolanga, kubanga Kitange tebamutegeera newakubadde nze.

1 Yokaana 3:1

Mulabe okwagala bwe kuli okunene Kitaffe kwe yatuwa, ffe okuyitibwanga abaana ba Katonda; era bwe tuli. Ensi kyeva erema okututegeera, kubanga teyamutegeera ye.

Ebikolwa 14:22

... Era nti olw'okulaba ennaku ennyingi kitugwanidde okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.

Yokaana 16:33

... Mu nsi mulina ennaku: naye mugume; nze mpangudde ensi.

Zabbuli 27:10

Kubanga kitange ne mmange bandese, naye Mukama ananjijanjabanga.

N'okwaŋŋanga ne twaŋŋanga okwogera nti Mukama ye mubeezi wange; ssiritya: Omuntu alinkola ki? —Abaebbulaniya 13:6

1 Peetero 4:14

Bwe muvumibwanga olw'erinnya lya Kristo, mulina omukisa; kubanga Omwoyo ogw'ekitiibwa era ogwa Katonda atuula ku mmwe.

Isaaya 41:10

Totya, kubanga nze ndi wamu naawe; tokeŋŋentererwa, kubanga nze Katonda wo: naakuwanga amaanyi; weewaawo, naakuyambanga; weewaawo, naakuwaniriranga n'omukono ogwa ddyo ogw'obutuukirivu bwange.

Zabbuli 91:11; 23:4

Kubanga alikulagiririza bamalayika be, bakukuume mu makubo go gonna. Era newakubadde nga ntambulira mu kiwonvu eky'ekisiikirize eky'olumbe, siritya kabi konna; kubanga ggwe oli nange. . . .

Abafiripi 4:13, 19

Nnyinzizza byonna mu oyo ampa amaanyi. Era Katonda wange anaatuukirizanga buli kye mwetaaga, ng'obugagga bwe bwe buli mu kitiibwa mu Kristo Yesu.

1 Abakkolinso 10:13

Siwali kukema okubakwata okutali kwa bantu: naye Katonda mwesigwa, ataabaganyenga kukemebwa okusinga bwe muyinza; naye awamu n'okukemebwa era anassangawo n'obuddukiro, mulyoke muyinzenga okugumiikiriza.

Abaebbulaniya 4:16

Kale tusemberenga n'obuvumu eri entebe ey'ekisa, tulyoke tuweebwe okusaasirwa, era tufune ekisa olw'okubeerwa bwe tukwetaaga.

1 Yokaana 1:7

Naye bwe tutambulira mu musana, nga ye bw'ali mu musana, tussa kimu fekka na fekka, n'omusaayi gwa Yesu Omwana we gutunaazaako ekibi kyonna.

2 Timoseewo 2:22

Naye okwegomba okw'omu buvubuka okwewalanga . . . .

Abaruumi 6:11

Bwe mutyo nammwe mwerowoozenga okubeera abafa ku kibi, naye abalamu eri Katonda mu Kristo Yesu.

Yakobo 4:7

Kale mujeemulukukirenga Katonda; naye mulwanenga ne Setaani, naye anaabaddukanga.

Zabbuli 119:11

Nterese ekigambo kyo mu mutima gwange, nneme okwonoona mu maaso go.

Zabbuli 27:8

Bwe wagamba nti Munoonye amaaso gange; omutima gwange gwakugamba nti amaaso go, Mukama, naaganoonyanga.

Zabbuli 62:8

Mumwesige ye mu biro byonna, mmwe abantu; mufuke omutima gwammwe mu masso ge: Katonda kye kiddukiro gye tuli.

Yeremiya 17:14

Mponya, ai Mukama, kale lwe nnaawona; ndokola, kale lwe nnaalokoka: kubanga ggwe oli ttendo lyange.

Musabenga obutayosa; mwebazenga mu kigambo kyonna kyonna: kubanga ekyo Katonda ky'abaagaliza mu Kristo Yesu gye muli. —1 Abasessaloniika 5:17, 18

Yokaana 15:7

Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munaakikolerwanga.

Nanoonya Mukama, n'anziramu, N'andokola mu kutya kwange kwonna. —Zabbuli 34:4

Zabbuli 66:18; 25:11

Bwe mba ndowooza obutali butuukirivu mu mutima gwange, Mukama taawulire. Olw'erinnya lyo, ai Mukama, onsonyiwe obubi bwange, kubanga bunene.

1 Abasessaloniika 4:16, 17

Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'okwogerera waggulu n'eddoboozi lya malayika omukulu n'ekkondeere lya Katonda: n'abo abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira: naffe abalamu abaasigalawo ne tulyoka tutwalibwa wamu nabo mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga: kale bwe tutyo tunaabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna.

2 Abakkolinso 7:1

Kale bwe tulina ebyasuubizibwa ebyo, abaagalwa, twenaazengako obugwagwa bwonna obw'omubiri n'obw'omwoyo, nga tutuukiriza obutukuvu mu kutya Katonda.

Yakobo 5:8, 9

Era nammwe mugumiikirizenga; munywezenga emitima gyammwe: kubanga okujja kwa Mukama waffe kuli kumpi. Temwemulugunyanga, ab'oluganda, mwekka na mwekka, muleme okusalirwa omusango: laba, omusazi w'emisango ayimiridde ku luggi.

1 Yokaana 2:28

Ne kaakano, abaana abato, mubeerenga mu ye; bw'alirabisibwa tulyoke tubeere n'obugumu, era ensonyi zireme okutukwatira mu maaso ge mu kujja kwe.

# Jjuzibwa N'omwoyo wa Katonda

**Mukyuke olw'okunenya kwange: Laba, naafukanga omwoyo gwange gye muli, naabamanyisanga ebigambo byange.**
**—Engero 1:23**

**Peetero n'abagamba nti Mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe okuyingira mu linnya lya Yesu Kristo okuggibwako ebibi byammwe, munaaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu. —Ebikolwa 2:38**

**So temutamiiranga mwenge, kubanga mu gwo mulimu okwegayaggula, naye mujjulenga Omwoyo; nga mwogeragananga mu zabbuli n'ennyimba n'ebiyiiye eby'Omwoyo, nga muyimbanga, nga mumukubiranga ennanga mu mutima gwammwe Mukama waffe; nga mwebazanga ennaku zonna olwa byonna Katonda Kitaffe mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo; nga muwuliragananga mu kutya Kristo. —Abaefeso 5:18-21**

**Temumanyi nga muli yeekaalu ya Katonda, era nga Omwoyo gwa Katonda abeera mu mmwe? Kubanga mwagulibwa na muwendo: kale mugulumizenga Katonda mu mubiri gwammwe.**
**—1 Abakkolinso 3:16; 6:20**

Scripture text from the Bible in Luganda © United Bible Societies Africa Regional Centre, Nairobi, Kenya. Used by permission.

---

Published in numerous languages by World Missionary Press as God supplies funds in answer to prayer. If you would like more copies for careful distribution, write in English or visit **www.wmpress.org**.

**World Missionary Press, Inc.**
**P.O. Box 120**
**New Paris, IN 46553-0120 USA**

Ka Bwereere — Tekatundibwa

2-15

1506 Luganda HKG